**08th July 2018**

# OKKULA MU MWOYO ERI EBY'OBWAKABAKA BWA YESU.II

**Abaebbulaniya 5:11 – 6:3.**

Amakya ga leero nga twekkaliriza ekitundu kye twatandika omulundi oguwedde, tukimalirize bulungi, nsaba tuddemu tukisomemu……….
Era mu bufunze, okkwaasaganya n'ebyo twaali tulabyeyo mu Baruumi 2:17-24, ezaatubuulira ku bukakafu bw'Abayudaaya-Abaebbulaniya okuba nti be beesigisibwa amateeka mu kusooka, basobole okuba abakulembeze b'abazibe b'amaaso, era abasomesa, kyokka ne bateesomesa bulungi bbasobozesa kutuukiriza buvunaanyizibwa bwaabwe.
N'era ne mu bbaluwa ye eri Abakkolinso I 3:1-3, ne tulaba nti ekkanisa abandibadde bakuze bave ku kunyweesebwa amata g'abato, baali balemeddemu 'lock' y'obuto olw'okubanga baali bafugibwa mubiri so ssi mwoyo…

Tweetegereza embeera/embala z'abaana abato mu bulamu bwa bulijjo, nga bwe tusoomoozebwa n'enfaanaanyirizo z'omu mwoyo.

N'era ne tubuulirirwa nti ebisookerwaako nga ABC/AEIOU, kwe kulina okusinziirwa amagezi g'enkozesa y'enjogera……

Twaaleka tukikkaatiriza nti waliwo obweetaavu bw'okkula mu nkozesa y'embala zaffe ez'obuntu ezitubeesaawo, obuva mu nkozesa y'ebyo bye tusookerwaako, ne kitusobozesa okkula obulungi okusobola okwawulanga ekirungi n'ekibi.

- Tasting/Okulega……I Pet. 2:3….Zabb. 34:8….Ate tosigala nga mwana muto, ab'alya buli kimu…..
- Hearing/Okuwulira…..Isa 55:3…..Kub. 2:7……Bw'otakula mu kuwulira tosobola kwawula…..
- Seeing/Okulaba…..Zabb.119:18….Abaefeso 1:18…..Bw'olaba obulungi ogenda gy'olina oggenda, okola by'olina okkola obutereevu….
- Smelling/Okuwunyirwa….
- Touching/Okkwaata…..

Essuula 6:1-3……..

Mmanyi ekitundu ekinsoomoozezzanga okumala ebbanga ddene mu byawandiikibwa, omuli okuyigirizibwa kw'engeri y'okkula ensegejje obulungi… II Peetero 1:5-11…….

1. Obweetaavu bw'okufubanga ennyo…
2. Okukkiriza kwongerweeko obulungi…..
3. Obulungi bwongerweeko okutegeera….
4. Okutegeera kwongerweeko okwefuganga….
5. Okwefuganga kwongerweeko obugumiikiriza…
6. Obugumiikiriza bwongerweeko okutya Katonda…
7. Ne ku kutya Katonda kwongerweeko okufaayo ku b'oluganda….
8. Ne ku kufaayo ku b'oluganda kwongerweeko okwagalananga…..

Lnny 8……

Bw'obeera nabyo ; - Oba wa mugaso, n'olw'ekyo oba wa buvunaanyizibwa, toba ng'omuto… oba obala ebibala mu kutegeera kwo okwa Yesu Kristo.

- Toba nga muzibe w'amaaso…..
- Teweesittala, wadde okwesittaza abalala…..
- Weeyongera bweyongezi mu bukakafu bw'okulokolebwa kwo obutereevu…

Bwatyo Mukama Katonda bwasiima tukule mu mwoyo…(Abaeb 6:3)